Diagram 2




NTAANWE — THE FIFTEEN
EKYESO EKITO — Junior Grouping

Diagram 3




NNYINYA — THE FOURTEEN


Diagram 4a



NNYINYA — THE FOURTEEN
EKYESO EKITO — Junior Grouping
Diagram 4b




NSATWE — THE THIRTEEN
EKYESO EKITO — Junior Grouping
Diagram 5



MBIRYE — THE TWELVE


Diagram 6a




MBIRYE — THE TWELVE

EKYESO EKITO — Junior Grouping


Diagram 6b



NNAANA — THE EIGHTEEN
EKYESO EKIKULU — Senior Grouping
Diagram 7




EKYESO EKITO — Junior Grouping
Diagram 8




EKYESO EKITO—Junior Grouping

Diagram 9




EKYESO EKITO—Junior Grouping

Diagram 10




EKYESO EKITO—Junior Grouping

Diagram 11



Normal direction of movement.


Diagram 12



THE REVERSE MOVE

a, b, c and d are the squares or holes from which reverse movements may be made, one at a time, or consecutively, according to the positions of counters in the opponent's squares.


Diagram 13



THE REVERSE MOVE

Reversing with three counters from square E to capture counters in squares C and D.


Diagram 14



THE REVERSE MOVE

Reversing with four counters from square G to capture counters in squares P and Q.


Diagram 15



THE REVERSE MOVE

Three consecutive reverse moves from square Z: 1st to capture counters in squares J and H; 2nd to capture counters in squares R and S; 3rd to capture counters in squares U and T.


Diagram 16




THE REVERSE MOVE

Reverse move with nine counters from square X to capture counters in squares V and Y. When this move is made a series of relayed moves results in the capture of more counters.

Diagram 17




KAYIKI
Diagram 18



Side B has suffered normal defeat.


Diagram 19



OKUTEMA (WINNING BY THE DOUBLE SCORE)

Side A has two heads (Emitwe Ebiri). If player on side **B** is to play next he can win by the double score (okutema) by moving counters in square L up to square M and then by a relayed forward move to square N.

Diagram 20



AKAWUMBI

If player on side A is to play next he can win by "akawumbi" by making one relayed non-stop move during which he captures all his opponent's counters.

Diagram 21

OMWESO MU UGANDA

Omweso guyinza okuba nga gwe gumu ku mizannyo gy'omu Uganda egy'edda ennyo egy'okwewummulizaako. Amawanga mangi gafaanana okuba nga gamaze emyaka bikumi na bikumi nga gaguzannya. Omweso gye gwatandikira tewali amanyiddeyo ddala newankubadde nga waliwo abantu abawa ebirowoozo byabwe ku nsibuko yaagwo. Ebirowoozo ebyo tebinafuna bibikakasa mu ngeri ematiza bull muntu. Abatambuze n'abayizi b'ebifa ku mpisa z'abantu ez'obuwangwa, omweso bagusanga ne mu nsi zino eziri ku nkingi za Uganda: Kenya, Sudan, Congo, Ruanda, Tanzania, n'okweyongerayo mu Africa eya wakati.

Abantu abamu bagamba nti omweso gwava mu nsi z'ebweru ne guyingira mu Uganda. Ekyo okukikiriza kisaana kumala kwekenneenyebwa mu bintu bino — ennimi ez'enjawulo ezoogerwa mu Uganda, ebintu eby'edda ebisangibwa mu bitundu bya Uganda ebitali bimu, ensibuko z'abantu b'omu Uganda abali mu bitundu ebitali bimu. Ate abantu abalala bwe bagamba nti omuzannyo ogwo gwava mu Uganda ne gugenda ebweru n'abo tetusaana kumala gabawakanya.

Ka tuddeyo ku Uganda. Kye tulaba amangu kye kino nti abantu abamu aboogera ennimi ez'enjawulo balina amannya agatava ku kikolo kimu ge bayita ekintu kye beesezaamu. Ekyo kiyinza okutugambisa nti bull ggwanga omuzannyo ogwo lyaguvumbula lyokka. Naye ate tuyinza n'okugamba nti oboolyawo ng'amawanga agamu gaagukoppa ku malala ne negaguyiyiiza amannya mu nnimi ze googera. Sso nno ate waliwo agamu agayita ekintu kye beesezaamu amannya agalabika nga gava ku kikolo kimu eky'ennimi ze googera. Ekyo kiragira ddala ng'amawanga ago omuzannyo gaaguggya ku mawanga agagaliraanye bwe gall mu kika ekimu oba ku mawanga agaagawangula oba ge gaawangula mu biro eby'edda. Laba amannya ekintu ekyo kye beesezaamu ge kiyitibwa mu nnimi ezitali zimu:

OLULIMI

Ateso
 Karimojong
 Sabiny
 Lango
 Acholi
 Alur
 Lugbara Madi
 Kakwa
 Lunyoro/ Rutoro Jopadhola Kumam Lusamia
 Luganda Lusoga
 Lunyole Lugwere Runyankole
 Rukiga

ERINNYA

aileisit
 ngikilees
 kechiyek
 coro coro soro soro soro orusoro
 weri elee olwero
 omweso
 omweso
 ehyeso
 ekyeso
 ekyesho
 ekishoro
 by'omweso ne ku mateeka g'okwesa mu

Nafuna ebigambo ku byafaayo Buganda by'omweso ne ku mateeka g'okwesa mu

EBYAFAYA

Erinnya 'omweso' (mu bungi 'emyeso') litegeeza ekibajje mwe beeseza ate n'omuzannyo gwennyini. Omweso gutera kubajjibwa mu muti. Ekinnya ky'omweso ekimu kiyitibwa 'ssa' (ebingi 'masa'). Ensigo enzirugaalirivu eziyitibwa empiki, eziva ku muti oguyitibwa omuyiki, ze zikozesebwa mu mweso. Okuzannya kwennyini kuyitibwa 'kwesa. Ekigambo ekyo kiringa ekyava mu linnya 'mweso.' Omuzannyo guyitibwa 'kyeso' (ebingi 'byeso').

Mu lulimi Oluganda mulimu ebifaanana okulaga ng'omweso gwa dda nnyo mu Buganda. Ebiraga ebyo hisangibwa mu njogera ze tuyita *ebisoko* era ne mu *ngero*. Enjogera ezimanyiddwa ennyo ze zino:

(1) Mu Luganda, omuntu omumpi ennyo bayinza okumugeza ku mpiki. Bagamba nti, "Mumpi ng'empiki"⁵

(2) Omuntu bw'amanya ennyo okukola ekintu bamwogerako nti "Akimanyi nga mweso."

(3) Omuntu bw'asanga ng'ebintu bye we yabadde asuubira okubisanga tebiriwo bamugeza oba yeegeza ku muntu ayesa n'atasanga mpiki mu ssa mw'abadde asuubira okuzisanga. Bamwogerako nti, "Acutte mu lya⁶ mpiki."

(4) Ate luno olugero Iwo lubuulirira bantu buteekuza. Lugererwa ku muntu ayiga ekintu n'akikugukamu okusinga eyakimuyigiriza. Lugamba nti, "Gw'oyigiriza okwesa akugobya nkaaga."

Ebyafaayo by'obwakabaka nabyo birinayo ekiraga ng'omweso gwa dda nnyo mu Buganda. Bull Kabaka omuggya olwamalanga okusika n'agenda e Buddo, ku lusozi olwatikkirirwangako Bakabaka engule, n'akolayo n'omukolo "gw'okwesa." Omukulu w'emikolo gy'oku Buddo yabanga Ssemanobe Ow' emmamba, omukuumi w'olusozi lw'Obwakabaka. Akakasa omukolo gw'okwesa" ku Buddo ye muwandiisi omwatiikirivu, Sir Apolo Kagwa. Mu kitabo kye ekiyitibwa *Empisa ~a Baganda*, yawandika bw'ati ku mukolo "gw'okwesa": "Bwe yamuggyanga awo (Ssemanobe) n'amutwala mu luyiki, lwabeeranga kumpi n'awaabeeranga embuga ya Makamba Omwami w'oku Buddo. Omwo mwe yanoganga empiki buteba eyabeeranga mu mweso ogwabeeranga mu kigango Ggombolola oba Masengeregansaze, Katikkiro gwe yayesezangamu ng'asalira abantu emisango. Naye empiki eyo buteba amakulu gaayo nti 'Kabaka taasingibwenga magezi mu bwakabaka bwe eri abantu be; abantu be bwe banaamusaliranga amagezi ag'okumusanga era ye y'anaasinganga okubasalira amagezi amalungi ag'okubafuganga, ng'omwesi ow'amagezi bw'agobya munne empiki entono eza buteba'."

Tewali amanyidde ddala Kabaka eyatandika 'okwesa' ng'omukolo mu kusika kwa Bakabaka kyokka omukolo gwo gulinga ogw'edda ennyo newankubadde nga guyinza obutaba gwa dda nnyo

⁵ Empiki eya bulijjo eweza 'h insi okuva erudda okutuuka erudda singa ogikubyemu akatuli wakati (diameter).

⁶ lya ke kagambo akategeeza obwannannyini mu lubu lw'amannya ga class No. 5.

⁷ t nkaaga ze mpiki ezaalika mu ssa mwe zivudde; ziba 16.

ng'Obwakabaka obulowoozebwa okuweza emyaka ng'ebitaano okuva ku Ssekabaka Kintu.

Omukolo gw'okweseza e Buddo mu kusika ng'ogutadde ebbali, omweso gwayagalihwanga nnyo mu lubiri Iwa Kabaka. Kabaka yayesanga ne bakyaala be abakulu era ne bannyina, abambejja. Oluusi yayitanga Katikkiro n'abaami abakulu n'ayesa nabo.

Abaami n'abataka abakulu bull gye baaheeranga yonna nga baba n'emyeso mu bisaakaate byabwe. Abaami abakulu n'abato n'abasajja be baafuganga baayesanga kumpi hull lunaku enkya n'eggulo.

Akatuuso ke kaabasalangako anti nga bonna basembezebwa ku mmere y'emhuga. Mu mweso abaami mwe baafuniranga omukisa okulaba abantu baabwe n'okuhamanya mu ngeri y'omukwano. Bwe baahanga beesa nga banyumya ku bintu bingi ebya bull ngeri. Mu kwesa abaami ne basajja baabwe mwe haamanyiranga ebifa mu nsi. Bwe waabangawo abajja okubasalira ebibakaayanya ng'abaami ne basajja baabwe abali mu mweso bawuliriza ensonga zonna. Abaami bwe baasalanga ensonga nga basajja baabwe nabo bawulira ensala y'abaami n'amagezi ge baawanga abantu abaabanga babatwalidde ebigambo ebyetaaga okutawulula.

Mu nkiiko ez'engeri eyo eza bonna ezitaabanga ntongole mwe mwava engero zino:

1. Akiika embuga amanya ensonga.
2. Nnantakiika nti "Eby'embuga biriibwa baganzi."

Mu basajja baabwe abaabanga baku77aanye okwesa, abaami mwe baalondanga abasajja be beesiga ne babatuma eza bull ngeri. Kabaka bwe yatumanga amangu ahahaka mu baami okumusolooleza omusolo, gamba ng'ogw' enswa oba ogw'emhugo oba ogw'enkumbi oba ogw'engeri endala oba okutwala abatabaazi, abasajja abaasangibwanga ku mhuga nga beesa be baasookanga okuwera n'okugabwa okukulemba abalala. Mu ngeri eyo omweso gwabanga ng'ekku7 j aaniro abaami mwe baggyanga abantu ab'okubaweereza n'okuweereza Kahaka. Omweso gwayambanganga abantu abasobola emirimu okumanyika amangu mu baami n'okuweebwa ebifo ebikulu.

Ekirala ekikulu ekyali ku mweso kwe kumala ku bantu ekiwuubaalo. Abaami abakulu n'abantu abalala abaabanga balindiridde okulaba Kabaka haamulindiriranga nga heesa mu kagango akaabanga okumpi n'ennyumba Twekohe, Kabaka mwe yasulanga. Abambejja nabo baalina akagango akaabwe mwe baaheeranga nga heesa okutuusa Iwe haasoholanga okulaba Kabaka.

Nga bwe tulabye waggulu, Katikkiro yayesezanga mu kigango Masengeregansaze, mwe yatuulanga ng'asala emisango n'okutawulula abaabanga n'ebibakaayanya. Bagamba nti Mukasa eyaliko Katikkiro wa Mutesa I ne Mwanga II yali kayingo mu kwesa. Mbu abantu baamuwolezanga ng'eno bw'ayesa. Bwe haamalanga okuwoza n'addamu ebigambo omuwaabi by'awozezza era n'eby'omuwwaahirwa. Mbu byonna yahiddangamu mu ngeri eyeewuunyisa. Bwe yamalanga okubiddamu nga n'abaami hamaze okukubira omusango, n'alyoka asala omusango. Bagamba nti ensala ye yabanga ya magezi era nga ya hwenkanya.

Ka tutuuke ku hirala ebifa ku mweso. Edda omweso gwaliko emizizo. Egimu ku gyo gye giro: Okuggyako abambejja ne hakyala ba Kahaka n'ab'abaami abakulu, abakazi aba hulijjo tehaayesanga. Mu bakopi ddala kyali kizirira ddala omukazi okwesa. Baagamhanga nti omukazi hw'akwata mu mweso tayeza mmere. Kale nno omulimu gw'okulima emmere mu maka nga bwe gwali ogw'abakazi hokka, omuzizo ogwo ahakazi haagukwatanga mango. Abawala abato bobaabagambanganga nti singa beesa tebagenda kusuna mabeere. Kale nno obutasuna mabeere nga kitegeeza mpozzi na butafumbirwa. Okutya obutafumbirwa kwagoberanga ddala abaana abawala ku mweso.

Abakazi ne bawala baabwe nga bwe baalina omulimu gw'okukola ku by'emmere byonna mu maka era

n'emirimu emirala, kyangu okulaba nti singa baalekerwa eddembe okwessa ku mweso ogumala ebiseera bwe gutyo tebandisoboddenga kumalawo mirimu gyabwe egya bull lunaku egyali emingi bwe gityo.

Ekirala ekikulu kye tusaana okumanya kye kino nti omweso gwaku'j'jaanyanga abantu bangi aba buli ngeri ate nga mu kuku⁷⁷aana okwo baggyangamu okumanyagana ennyo. N'olwekyo abasajja abafumbo baatyanga nti singa baleka bakazi baabwe ne bawala baabwe okubeera mu mweso n'abasajja aba bull ngeri kiyinza okuvaamu ebitali birungi.

Abalenzi abato nabo tebakkirizibwanga kubeera awo nga beesa ebbanga lyonna, anti nabo baalina eby'okukola bingi, ng'okulunda embuzi n'ente, n'okutumwa e'j'jendo eza bull ngeri. Kyokka bo bwe baabanga ku ttale nga balunda embuzi oba ente beesaliranga amagezi ag'okwesaako. Baasimanga emyeso ku ttaka ne beeseza omwo. Mu kifo ky'empiki zennyini baakozesanga mayinja oba ensigo z'ebimera ze basobolanga okufuna. Abasumba bayinza okuba nga be baasima emyeso egisangibwa ku njazi, mu bitundu bya Uganda ebimu. Naye oba ng'ekyo bwe kiri, kizibu okumanya ebintu bye baasimisanga amasa g'emyeso ku njazi e⁷⁷ umu bwe zityo!

wokubanga omweso gwatuuzanga abantu ne batayagala kuguvaamu, ne gubeerabiza n'ebintu ebirala byonna, abaami b'ebyalo abamu abaakuumanga ennyo ebyalo byabwe, tebaayagalanga kulaba basajja baabwe nga beeseza mu byalo byabwe. Abaami ab'engeri eyo baatyanga nti singa omulabe azinda ekyalo amangu oba Kabaka okugaba ekiwendo eky'amangu, ekyalo kyonna kiyinza okuttibwa oba okunyagibwa. Abaami abaatyanga eby'engeri eyo bwe baasanganga basajja baabwe nga beesa nga bayinza okubaggyako empiki ne bazisuula.

Okwesa kwaliko omuzizo omulala omukulu:

Abantu tebakkirizibwanga kwesa kiro ng'enjuba emaze okugwa. Baagambanga nti singa abantu beesa ekiro akabe ne kamala kakaaba oba ekiwuugulu oba empisi ng'olwo nno ababadde beesa zibasanze. Baalagirwanga okutwala empiki zonna ku luzzi okuzooza ate nga bull mpiki bagitwala yokka. Okwoza empiki lye ddagala lyokka lye bakkirizanga nti lye liyinza okuggyawo akabi akayinza okujja ng'ekimu ku bintu ebyo kikaabye ng'abantu beesa ekiro.

Omuntu agenda okuwoza omusango naye teyeyesanga. Mpozzi befaanaanyirizanga nti singa omuntu agenda okuwoza ayesa ne bamugoba mu kwesa, ne mu kuwoza bayinza okumusanga.

OMWESO NGA BWE GWADIBA OKUMALA EKISEERA

Kino kyali ng'omuntu bwe yandikirowoozezza. Mu matandika g'ekitundu 'S ekyafundikira omulembe gwe 19. omweso wamu n'emizannyo gy'ekinnansi egy'engeri endala gyali gitandise okugenda nga gifeebesebwa empisa z'abagwira b'Ebuvanjuba ezaali zigenda zikyusa embeera za bannansi ez'edda. Enfuna y'ebintu wamu n'ebyobufuzi byali bitandise okukyuka. Entalo z'okunyaga ebintu n'abantu zaali zikomezeddwa Abangereza abaali batandise okufuga ensi nga bayita mu baami hannansi. Ebyokufuna abantu baali tebakyahiggya nnyo ku baami. N'olwckyo abantu baali batandise obutakyabeeranga nnyo mu baami nga beesa. Ab'amaanyi baali batandise okusuubulanga ehintu ng'engoye n'amaliha.

Uganda ng'emaze okukkiriza okukuumibwanga Ahangereza, abasajja abalamu baatandika okulondebwanga okwetikka emigugu gy'abakozi ba Gavumenti, naddala Baddiisi, nga ball ku mirimu gya Gavumenti. Abantu tebaayagalanga kukola mirimu gya ngeri eyo kubanga empeera gye baagifunangamu yabanga ntono nnyo. Okuwona ku mirimu egyo, abantu kye baakolanga kwe kwewala okukunnaaniranga mu baami okwesa.

Ppamba bwe yaleetebwa mu Uganda mu 1904, okusobozesa abantu okufuna ensimbi z'omusolo, abasajja Ahaganda ne batandika okulima so ng'okuva edda n'edda kyabanga kya nsonyi omusajja Omuganda okulima. Okulima ppamba kwasihanga abasajja bangi mu nnimiro ne mu maka, nga balongoosa ppamba. Emirimu gya ppamba ahasajja tegyabalekerangawo kiseera kya kwesa. Ate n'oluvannyuma omweso haaguyita omuzannyo gw'ahagayaavu.

Ekirala ekyali kyagala okudibya omweso ze nvunza ezaaleetebwa Abaganda abasuubuzi b'amasanga, nga haziggya mu Tanzania. Abasuubuzi abo baatolontokanga ne batuuka mu nsi y'Abanyamwezi, Unyamwezi (Abaganda baagiyitanga Bunyaanyimbe). Envunza zaali zeefudde za kabi nnyo mu Buganda. Zaayingiranga mu higere by'ahantu abajama ne zikulira omwo. Omuntu eyabanga n'envunza ennyingi mu higere bwe baabanga bazimutundudemu ng'ebigere birwala. Mpozzi okulwala kw'ebigere by'envunza kwe baayita 'okuvunda' n'obuwuka *obwabivunzanga* ne babuyita 'envunza.'

Omuntu eyabanga n'envunza ennyingi mu bigerc buli we yagendanga ng'alekawo amagi gaazo. Amagi tegaalwanga nga gaalula, nga gasaasaana mu kifo ekyo mwe gaahanga gaaluulidde. Omweso nga bwe gwaku77aanyanga abantu ahang'awamu, gwalabika nga guku'yaanya n'envunza. Olw'okwagala okudduka envunza abantu kyehaava hatandika okwewala omweso. Envunza bwe zityo bwe zaali zaagala okutta omweso.

Amasomero bwe gaatandikibwa mu myaka ng'ekkumi egyatandika omulembe guno gwe tulimu, omweso tegwassibwamu nnyo maanyi ng'emizannyo gy'abagwira egy'omu nnyumba, okugeza nga *draughts, ludo*, emisota n'amadaala. Kyamazima amasomero awamu ag'ebisulo oluvannyuma gaafunira abayizi emyeso naye abayizi abaayesanga tehaabanga bangi nnyo olw'okubanga omweso gwali gumaze okuvumaganibwa nti 'guleeta envunza.' Kyokka abantu abamu abakulu, abaagazi b'ebintu byaffe eby'obuwangwa, bo emyeso baagikuuma mu maka gaabwe ne beesezangamu oluusinooluusi ne mikwano gyabwe. Abantu abo be baawonya omweso okuzikirira wonna mu Buganda era tusaana okuheebaza ennyo.

Ka tulabe n'ekintu ekirala ekifaanana okuba ekimu ku bintu ebyaziyiza omweso okweyongera ennyo mu maaso:

Okutuusa jjo Juno, mu biro ehitali bya wala nnyo, tewabadde bidduka ebyesigibwa, ebyanguya abakozi ba Gavumenti n'abatali ba Gavumenti okubaggya mu byalo, abasinga ohungi gye basula, okubatuusa ku mirimu gyabwe ate n'okuhazzaayo. Essaawa z'abakozi bonna abatali ba Gavumenti ez'emirimu nazo edda zaali teziriiko mateeka ga Gavumenti amakakafu nga bwe kiri kaakati. Ate kimanyiddwa ng'abakozi abasinga ohungi okuva gye basula okutuuka ku mirimu gyabwe mailo zitera kuba wakati wa ssatun' ekkumi n'ettaano. Ekidduka ekikulu abakozi ahasinga obungi kye baalina mu biro ebyo ke kagaali 'lumala mawano.' Kale nno abakozi hyamalanga ebbanga ddene mu kkuho nga hasotta ohugaali. Ate nno ku nsozi nga basindika husindike. We baatuukiranga ewaahwe nga n'abandyagadde okwesa tehakyalina kiseera kimala.

Abakozi abaafunanga emisaala egiteeyamba baakubanga kigere. Abo nno we baatuukiranga eka nga booya husera, nga n'agecsa tebagalina ate era nga n'enjuba emaze okugwa mu nnyanga. N'abandihadde n'ekiseera ekyesa, mu budde obwo haabanga heegomba kufuna kaakuzza eri mumwa. Kale nno tekewuunyisa okulaba ng'ahakozi baali tebakyasohola kwesa oha okukulowoozaako.

OKUDDAWO KW'OMWESO

Kizihu nnyo okulondawo ekintu ekimu ne tugamba nti kye kyazzaawo omweso ne gikwagazisa n'ahantu nga hwe hagwagala kaakano. Ekisinga obwangu kwe kugatta awamu ehintu hyonna bye tulowooza nga birina kye byakola ku kuzzaawo omweso n'okugwagazisa abantu.

Mpozzi kye tusaana okusookerako okumenya kye kibiina ky'Abataka, James Miti ne Sezario Mulumba ne hannaahwe abalala kye baasitula ennyo mu 1947. Ekibiina ekyo kyakuhiriza nnyo Ahaganda okwagala ebyabwe ehy'obuwangwa. Okwo kwe tuzza okudda kwa Sir Edawrd Mutesa II ku Bwakabaka, ng'ava mu huwa anguse mu London, mu 1955. Ekiddirira ekyo bye higambo ehyatandikira mu Africa ey'Ebugwanjuba nga hikubiriza Abafrica okwemanya nga nabo hantu mu nsi, abasaana okweyagalira mu nsi zaabwe n'okwagala ebyabwe ehy'ohuwangwa era n'okubikuza.

Okujja kwa hbaasi ezikola mu bibuga, nga zigezaako okutambulira mu biseera ebimanyiddwa, ate n'okufuna mmotoka za takisi ezikola mu bibuga ne mu miriraano gyahyo by'asobozesa abantu hangi okutuukanga amangu mu maka gaahwe nga hamaze okukola ne basobola n'okwesaako. **Okwo** ssaako okweyongera kwa bupikipiki ohutono ate ne Gavumenti okussaawo essaawa ez'ettecka ezinnyukirwamu mu bibuga. Abafrica okweyongera obungi mu hihuga ne mu miriraano gyahyo naky'o kyayongera ku bungi bw'abantu ahayinza okwesezaamu nga hahadde tebagenze mu mizannyo mirala. Ebyo byonna bye mmenye birina kye hikoze ku kuddamu okwagazisa abantu omweso.

Mu nnaku zino. omuntu amanyi okutunula ennyo bw'ayita mu butale, mu Kampala ne mu bifo cbirala ehiku'l'laanirwamu abantu ahang'i ehiri ebweru wa Kampala, mu ssaawa ez'ekyemisana n'ez'olwegguloggulo, yinza okulaba ebikuukuulu bwahantu nga heetoolodde omweso. Aheesa, omweso gubanyumira nga hwe gunyumira abatunuulizi. Abaagazi b'omweso oluusi hassaawo empaka ne zinyumira abazihaamu n'abalahi ababa bawagira abazannyi. Mu hifo ebimu abantu oluusi beeseza nsimhi ate abatunuulizi abamu ne basibawo ensimbi.

Okujjulula ku mateeka g'okwesa ag'edda kuyambye nnyo okukendeeza ku kiseera ekyeso ekimu kye kimala okuggwa. Edda ekiseera ekyeso ekimu kye kyamalanga okuggwaamu kyabanga wakati wa ddakiika 10 na 20 naye kaakano kiri wakati wa 3 na 7.

Ekyewuunyisa ennyo kwe kulaba ng'omweso ogwayolekerwa ebizibu ebingi bwe hityo ate gwe gusinze okuyita obulungi mu balabe baagwo bonna, neguddamu okwagalibwa ennyo. Bye guyiseemu bikakasiza ddala nga bwe guli omuzannyo omulungi.

Omuntu yenna agamba nti omweso si muzannyo gwa magezi kirungi ayige okuguzannya, yeerabireko ng'obukodyo bw'ateekwa okuyiga okuba omukugu mu gwo n'okugunyumirwa bwenkana n'obw'emizannyo gy'omu nnyumba egisinga obulungi egisangibwa wonna mu nsi.

AMATEEKA G'OKWESA MU BUGANDA⁸

1. Empiki ezikozesebwa nga beesa ziba nkaaga mu nnya. Empiki zennyini bwe ziba nga teziwera bassaamu obuyinja oba ensigo ez'engeri endala okujjuza omuwendo ogwo
2. Buli omu ku bazannyi atuula ku ludda lw'omweso nga gwerambise bukiika mu maaso ge. Empiki 64 bazigabanira wakati.
3. Buli omu ku bazannyi y'aba nnannyini mpiki zonna eziba mu masa 16 ag'omu nnyiriri ebbiri eziri ku ludda lwe.
4. Oludda olumu luyinza okubaako abazannyi abasukka ku omu, nga bonna bakolera wamu. Okukakasa nga buli ludda luweza empiki zaalwo 32, ng'omuzannyo gugenda okutandika, buli

⁸ Amateeka agamu ag'edda gajjuluddwako.

muzannyi assa empiki nnya nnya mu masa omunaana ag'omu lunyiriri olumuliraandidde ddala (labs ekifaananyi ku ddiba ly'ekitabo).

5. Mu kweteekerateekera okutandika okwesa kwennyini, buli ludda lussa emiwendo gy'empiki egya bull ngeri mu masa gaalwo, mu ngeri gye lumanyi ng'eneerugamba okugoba. Okutegeka empiki mu ngeri eyo kwe bayita 'okuteeka.' Engeri omuntu gy'aba ategeseemu empiki ze kye bayita 'ekyeso' (mu bungi 'byeso'). Ebyeso byawulwamu *ebikulu n'ebito*. Ekyeso ekikulu kibaamu empiki ezisukka 16 mu ssa erimu; ekito tekibaamu ssa lirimu mpiki ezisukka ku 16. Waliwo ebyeso bya ngeri nnyingi ebitekebwa naye ebirina amannya amakakafu biri nga mukaaga:
6. *Nsanve* (kiba n'essa eririmu empiki 17), *Nkaaga* (kiba n'essa eririmu empiki 16), *Ntaanwe* (kiba n'essa eririmu empiki 15), *Nnyinya* (kiba n'essa eririmu empiki 14), *Nsatwe* (kiba n'essa eririmu empiki 13), *Mbirye* (kiba n'essa eririmu empiki 13), *Mbirye* (kiba n'essa eririmu empiki eziwera 12). Ebyeso ebirala ebirina amannya tebitera kutekebwa, okugeza *Nnyenda* ne *Nnaana*. Empiki ezo zijjula bujjuzi mu masa ng'abantu beesa. Ekikulu mu kuteeka ebyeso kwe kulaba ng'oyinza okuyitamu ng'ositudde empiki okulambulula olugendo (laba ebifaananyi 1, 2, 3, 4a, 4b, 5, 6a, 6b, 7, 8, 9, 10, 11 ebiraga ebyeso ebyogeddwako waggulu n'ebirala ebitalina mannya makakafu).
7. Okwesa bwe kuba kutandikira ddala omulundi ogusooka, buli ludda luyinza okutandika (okwo kwe bayita 'okwalika') naye oludda olumu bwe luba lumaze okugoba omulundi ogusooka, omugobe, y'asooka okwalika mu kyeso ekiddirira. Kyokka kiyinzika okuba ng'edda eyagobanga nga y'asooka okwalika mu kyeso ekiddirira kuba ne kaakano bw'ayagala ayinza okutandika nga bw'agamba nti "Omugobe tansooka kuwera."
8. Mu kutandika okwesa buli ludda lwesa ng'ekyeso kye luteese bwe kitandika. Ayesa ayinza okusuula empiki emu oba ebbiri mu ssa ebimu. Mu byeso ebito ebimu omuntu ayinza n'okuggya empiki mu ssa ery'emabega n'azibuusa n'azisuula mu masa g'omu lubu olw'omu maaso.
9. Oludda olumu bwe lumala okuggya empiki ku ludda olulala (kwe bayita 'okutta') ng'okwesa kwennyini kutandika okugoberera etteeka erya bulijjo ery'okusuula empiki emu emu mu buli ssa.
10. Mu kwesa kwennyini ayesa ayoola empiki mu ssa n'agenda ng'asuula empiki emu mu buli ssa ku ludda lwe, nga yeetooloola okufaanana ng'essaawa gye banyoola nga bagizza emabega. Okusuula empiki mu masa kwe bayitira ddala 'okwesa.' (Laba ekifaananyi ekiraga empiki gye zidda No. 12.)
11. Okwesa kuba mu mpalo, kwe kugamba nti oludda olumu bwe lumala okwesa n'olulala ne kwesa.
12. Buli ludda lugezaako okutta empiki z'oku ludda olulala zonna ze lusobola naye nga lwegendereza lwo luleme okuttibwako empiki ennyingi oba empiki ez'omugaso.
13. Empiki zonna 64 tezigibwa mu mweso; zibeeramu okutuusa ekyeso omu lw'akigoba. Okutta kwe kugenda kuzikyusa okuva ku ludda olumu okudda ku lulala.
14. Omuntu bw'asitula empiki okwesa ng'ekyeso kimaze okutaba agenda asuula empiki emu mu buli ssa, ng'atandikira mu ssa eriddirira eryo mw'aba ayodde empiki z'ayesa. Empiki envannyuma gy'aba nayo mu ngalo bw'egwa mu ssa omuli empiki emu oba ennyingi ng'ate ayoola ezo nga nazo agenda azisuula mu masa era ng'ava ku ssa eriddirira eryo mw'aziggye. Agenda ayeesa bw'atyo okutuusa empiki envannyuma gy'aba nayo mu ngalo lw'egwa mu ssa eritaliimu mpiki yonna n'alyoka amala. Okumala okwesa mu ngeri eyo nakwo kuyitibwa 'kwalika.' Mu kwesa, buli ludda lugezaako okuwa olulala empiki nga lugenderera okulutega luzitte ate lwo lutte empiki ezisingako obungi oba okuba ez'omugaso ku ludda olwo oluba lumaze okutta. Okuwonya empiki ze ez'omugaso okuttibwa buli muzannyi agezaako obutaziweerera.

OKUTTA EMPIKI

15. Ayesa bw'aba n'empiki mu ssa lye ery'emabega ng'ate alina n'empiki mu ssa ery'omu maaso eryesimbidde ddala mu eryo ery'emabega, empiki ze eziri mu ssa lye ery'omu maaso zigambibwa nti 'mpeerere.' Empiki zonna eziri mu masa ago gombi munne ayinza okuzitta bw'aba ng'asobola. Okutta empiki empeerere oyo azitta atekwa okuba n'empiki emu oba ezisingawo, mu ssa lye ery'omulunyiriri olw'omu nda eriri ddala mu mutwe gw'essa eririmu empiki empeerere. Okutta empiki empeerere, ayesa ayoola empiki ezize z'alaba nga zinatta eza munne, n'agenda ng'azisuula mu masa ge okutuusa empiki ye envannyuma lw'egwa ssa lye eriri ddala mu mutwe gw'essa lya munne eririna empiki empeerere. Empiki za munne eziri mu masa gombi aziyoolamu n'azeesa ng'atandikira mu ssa eriddirira essa eryo mw'aggye empiki ezisse eza munne. Bw'aba akyayesa n'asanga empiki za munne endala empeerere nazo azitta n'azeesa nga bwe yayesezza ezaasoose, okutuusa lw'ayalika. Omuntu bw'aba tannayalika ayinza okutta empiki za munne zonna empeerere z'asobola okutta mu lwesa !we olumu. Obukugu mu kwesa buli mu kumanya mpiki omuntu z'ayinza okutta ng'ate ezize taziweeredde mu ngeri mbi.
16. Ayesa bw'atatwala mpiki empeerere z'asse nnannyinizo ayinza okulondawo okuzigattira mu limu ku masa ago mwe ziri n'azeesigaliza nga zize ddala. Okwo kwe bayita 'okugatta empiki.' Bw'aba tayagadde kuzeesigaliza ayinza okulagira azisse okuzitwala, nga bw'amugamba nti, "Toleka bafu mabega." Olwo azisse aba atekwa butekwa okuzitwala.

OKUTEBUKA

17. Ayesa bw'alaba empiki za munne empeerere z'ayinza okutta ng'adda emabega akkirizibwa okuzitta ng'asinziira mu limu ku masa ge ana agasembayo ku kkono we. Essa mw'asobola okuggya empiki n'ezitta eza munne, ly'asinziiramu n'ayesa ng'adda emabega. Bw'aba ayinza okuttayo empiki emirundi ebiri oba n'okusingawo, akkirizibwa okuzitta mu ngeri eyo ey'okutebuka, nga buli mulundi empiki agenda azisuula emabega mu masa ge, nga bw'akola mu kutta okw'okugenda mu maaso.

Empiki z'asembayo okutta ng'adda ennyuma z'ayesa ng'agenda mu maaso, ng'asinziira mu ssa eriddirira eryo lye yavuddemu okudda emabega. Okwesa ng'odda emabega olw'okutta empiki kwe bayita 'okutebuka.' Empiki omuntu gy'asooka okusuula ng'atebuka gye bayita 'buteba.' Empiki omuntu z'ayinza okuyoola ng'atebuka teziyinda kusukka ku 9. Tewali akkirizibwa kwesa ng'adda emabega bw'aba nga talina mpiki z'agenda okutta mu kutebuka (laba amasa omuntu g'ayinza okusinziramu okutebuka, n'engeri y'okutebuka, mu bifaananyi 13, 14, 15, 16, 17).

OKUBALA EMPIKI MU KWESA

Waliwo okubala kwa ngeri bbiri:

(a) OKW'OKUGENDA MU MASSO

Empiki omuntu z'ayesa n'ayalika mu ssa mwe yaziggye ziba 16, ziyitibwa 'nkaaga.'

Empiki ezigenda mu maaso essa erimu okuva we zaavudde ziba 17; ezo ziyitibwa 'nsanve.'

Ezigenda mu maaso amasa abiri okuva we zaavudde ziba 18; ezo ziyitibwa 'nnaana.'

Ezigenda mu maaso amasa asatu okuva we zaavudde ziba 19; ezo ziyitibwa 'nnyenda.'

Empiki ezibalibwa ng'ogenda mu maaso, ezirina amannya amakakafu zikoma awo. Ezeeyongerayo

okuwera nga 20, 21 n'okusingawo tezirina mannya era mu kwesa tezitera kuwera nnyingi bwe zityo.

(b) OKW'OKUDDA EMABEGA

Empiki ezeesebwa ne zirekayo essa limu okutuuka we zaavudde ziba 15; ezo ziyitibwa 'ntaanwe.'

Ezirekayo amasa abiri okutuuka we zaavudde ziba 14; ziyitibwa

Ezirekayo amasa asatu okutuuka we zaavudde ziba 13; ziyitibwa 'nsatwe.'

Ezirekayo amasa ana okutuuka we zaavudde ziba 12; ziyitibwa 'mbirye.'

Ezirekayo amasa ataano okutuuka we zaavudde ziba 11; ziyitibwa 'kkumi n'omu.'

Ezirekayo amasa omukaaga okutuuka we zaavudde ziba 10; ziyitibwa 'kkumi.'

Ezirekayo amasa omusanvu okutuuka we zaavudde ziba 9; ezo ziyitibwa 'Iwanga.'

Okubala ng'odda emabega awo we kukoma. Embala eyo omuntu agikozesa ng'ayagala okumanya empiki z'ayagala okwesa gye zinaamutuusa, n'empiki z'anaasobola okutta.

Kyokka omuntu bw'aba abala, ebigambo ebyo ayongera okubisalako n'alekawo bino by'owulira ng'abala: tta, nnya, ssatu, bbiri, omu, kkumi, I wang a.

Empiki emu bw'eweererwa endala emu, zombi wamu ziyitibwa 'kayiki' (laba ekifaananyi 18).

ENGERI Y'OKUGOBA EKYESO

Okugoba kuba kwa ngeri nnya:

(a) OKWA BULIJJO

Okugoba okwa bulijjo kwe kw'okutta empiki z'omulala ennyingi n'aba ng'asigazizza empiki z'atayinza kwesa n'agoba. Kyokka okusigaza empiki entono si kwe kugobwa; okugobwa mu ngeri eya bulijjo kusenziira mu ngeri empiki gye zirimu mu masa gaazo. Omuntu ne bw'aba ng'akyasigazza empiki eziwerako naye bw'aba nga mu buli ssa alinamu empiki emu era aba agobeddwa kuba empiki emu teggibwa mu ssa n'eyesebwa nga temaze kuleeterwako mpiki ndala. Ekyeso ekigobe mu ngeri ya bulijjo kibalwa nga kyeso kimu. Abeesa bayinza okumala okwesa nga beesezza ebyeso byonna bye baagala. (Laba ekyeso ekigobe mu ngeri eya bulijjo, mu kifaananyi ekya 19.)

(b) OKUTEMA (okw'edda)

Ayesa bw'awubwa oba bw'akigenderera n'aweerera empiki mu masa ge abiri agasemba erudda n'erudda, ekyeso kye kigambibwa nti kiriko 'emitwe ebiri.' Empiki zonna eziri mu masa ago ana munne bw'azitta mu Iwesa olumu oyo gwe bazisseeko aba 'atemeddwa' (agobeddwa mu kye bayita 'okutema'). Agenda okutema olusuula empiki envannyuma mu ssa n'alayira mu ngeri yonna gy'ayagala, okugeza, "Nnannyinimu ali ku bbali," "Jjajjange Nnamuguzi e Kasagga," n'ebirala. Okutema kubalibwa ng'okugoba ebyeso ebibiri. Kyokka atema ekyeso bw'atalayira okutema kwe tekubalibwa era talina kyeso ky'abalirwa nti agobye. (Laba ekyeso 'eky'emitwe ebiri' mu kifaananyi 20.)

(c) OKUGOBA AKAWUMBI

Omuntu bw'aweerera empiki ze zonna mu kyeso, munne n'azitta n' azimalamu mu kwesa olumu, oyo gwe bazisseeko baba bamugobye kye bayita `akawumbi.' *Akawumbi* bakabalamu ebyeso kkumi na bibiri. Ebyeso ekkumi n'ebibiri bye bayita `akagoba.' Agobye *akawumbi olumala* okwesa n'avuunika omweso, empiki zonna ne ziyiika wansi, ate n'alagira gw'agobye okuvuunula omweso n'amannyo n'okulonda empiki zonna n'amannyo ngazizza mu mweso. Kyokka gwe bagobye ekyo takikola era okwesa kw'omulundi ogwo awo we kuggweera. Okugoba akawumbi si kya bulijjo. (Laba ekifaananyi 21 ekiraga ekyeso ekiyinda okugobwa akawumbi.)

(d) OKUTEMA (okuggya)

Mu kugoba *Ekyekitema* (ekiggya) oludda olumu bwe lutta empiki emirundi ebiri ng'oludda olulala temmnattayo ku mpiki, oludda olwo Iwe baba basseeko empiki emirundi ebiri luba lugobeddwa mu ngeri gye bayita okutema okw'engeri ey okubiri.

Atemye abalirwa okugoba ebyeso bibiri nga mu (b). Waliwo ebintu bitaano ebiteekwa okutuukirizibwa omuntu alyoke akkirizibwe nti atemye mu ngeri ntuufu:

1. Abeesa bamala kukkiriziganya nti beesa kya *Kitema*.
2. Olwesa olutema terukkizibwa kuba lwa *kutebuka*.
3. Gw'otema oteekwa okuba nga wamuwadde empiki ne *zimulema okutta*.
4. Olwesa olutema luteekwa okutuukira ku mpiki zennyini ezittibwa okutema. Ayesa *okutema* bw'ayoola empiki n'azeesa ne zikwata ku ndala ate n'ayoola ezo okutta munne omulundi ogw'okubiri,
5. Nga bwe kiri mu kugoba *Ekyekitema* ekiri mu (b) ne mu kino atema atekwa *okulayira*.

NGERI Y'OKWESA

Kaakano waliwo okwesa kwa ngeri ssatu:

(a) OKW'OKUBALA (oba Eky'okubala)

Mu kwesa okw'okubala buli ludda lukkirizibwa okubalirira empiki nga terunnayoola mpiki kwesa, lusobole okulondawo ezinaasinga okwesa obulungi oba okutta ennyo ez oludda olulala oba okwalika nga teruweeredde mpiki zaalwo ez'omugaso. Kyokka era oludda oluba lubala bwe lulwawo ennyo nga lubalirira „oludda olulala luyinza okwetamwa ne lugamba, nga bwe luseetulaseetula nomweso, nti, Omweso enkuyege zigulya.” Okwo kuba ng'okulabula oludda olwo lwese mangu.

(b) EKISIBE

Mu kyese kye bayita *Ekisibe* abagenda okwesa basooka kuwaanyisa mpiki. Bull, omu aggya empiki emu ku ludda Iwe ng'agiwa munne n agissa mu zize. Okwo kwe kuba okusiba ekyeso. Mu kyese *ekisibe* bull aba ayesa bw'ayoola empiki ze mu ssa n'asuulako emu mu ssa aba takyakkirizibwa kuzizza mu ssa mw'aziggye okutwala endala z'aba alabye nga ze zinaasinga okumugasa. Ateekwa kutwala ezo z'aba asoose okusitula.

(c) EKY'OBUTABALA

Mu kyese ekiyitibwa *eky'obutabala*, buli ludda lusitula busituzi mpiki ze lulaba amangu nga zigasa, ne Iwesa, awatali kumala kuzibalirira. Mu kyese ekyengeri eyo ayesa omu bw'alwawo okwesa munne ayinza okusitula empiki ezize n'ayesa newankubadde ngaba amaze oluwalo iwe. Bw'ayesa bw'atyo nga munne tannayesa mu luwalo Iwe aba akola kye bayita okutanza. Okwesa Eky'obutabala kuggya nnyo naye kaakano kwe kusinga okwagalibwa, naddala mu bibuga, era kunyumisa nnyo omweso ate nga kugwanguya okuggwa, kyokka kwetaaga okulaba amangu empiki ezisaana okwesa.

EBIRALA EBIFA KU KWESA

1. OKUBBIRA

Mu kwesa mulimu okukozesa obukujjukujju n'obukodyo omuntu asobole okugoba, nga bwe kiri mu mizannyo emirala. Bino wammanga bye bimu ku by'obukujjukujju ebitera okukolebwa mu kwesa:

- (a) Okukweka empiki mu nnasswi omuntu aleme okwaliika mu ssa ly'abadde agenda okwalikamu.
- (b) Okutoola oba okwongera empiki endala, mu bubba, ku ezo z'ogenda okwesa, zisobole okukugasa nga bw'oyagala.
- (c) Okutoola oba okwongera empiki ku za munno nga talabayo, ezizo zeeyongere okuba ez'omugaso ng'ozeesa.
- (d) Okubuuka essa oba okulisuulamu empiki ebiri osobole okutuuka w'oyagala.
- (e) Okusuula empiki mu ssa lya munno ng'olinga awubiddwa, osobole okuggyamu empiki z'oyagala.

Eby'obukujjukujju ebikolebwa mu kwesa bye biyitibwa `okubbira. Omuntu bw'alaba nga munne *amubbira* amuyimiriza n'amulagira okugolola ensobi gy'akoze nga tanneeyongera kwesa mpiki ezo z'aba nazo mu ngalo. Mu byeso eby'empaka kaakano mubaamu abalamuzi be bayita `abasazi.'

2. EBITI

